# Omuzadde n'omuyizi bye balina okugoberera nga balonda amasomo ku mutendera gwa S5

Bya LAWRENCE KIZITO
ne SHARON NABASIRYE

EBIGEZO bya S4 bwe byafulumye, abazadde n'abayizi batandise okugulumba ku masomo abayizi ge bagenda okukola ku mutendera oguddako ogwa siniya ey'omukaaga.

Ku mutendera guno, abayizi bafunza amasomo ge bakola, essira ne balissa ku masomo ago agagwa mu ebyo bye baagala okubeera nga bakuze, era amasomo gano ge gabatwala ku yunivasite.

Akabaate we kasinga okuva be bazadde okuba nga balina bye baagala omuyizi asome. Okugeza omuzadde ayinza okuba ng'ayagala waakiri mu luggya lwe muveemu omusawo, oba yinginiya, n'akaka omwana okutwala amasomo agayinza okumutuusa ku ekyo.

Waliwo n'ekitiibwa ekiweebwa amasomo ga ssaayansi mu Uganda ne mu nsi yonna, era abagasoma batwalibwa okuba nga bagezi nnyo. Kuno kw'ossa ebbula ly'emirimu, ng'abasomye ssaayansi balabika okuba nga be balina ku mukisa gw'okufuna emirimu ate nga gisasula bulungi.


Olw'obutabaawo kulung'amizibwa kwa kikugu ku by'emirimu, amasomo, n'obusobozi bw'omuyizi, mu masomero agasinga, weesanga ng'abazadde n'abaana baabwe bakoze okusalawo kwe balyejjusa mu maaso, oba okulemwa okukkaanya, gye biggweera ng'omuyizi asomye by'atayagala olw'omuzadde okulemerako, oba omuyizi okusoma omuzadde by'atayagala.


*Bukedde* yayogedde n'abakugu mu by'enjigiriza, ne balung'amya omuzadde n'omuyizi bye balina okugoberera n'obwegendereza nga balonda amasomo ku mutendera gwa S5.

Akulira essomero lya Bagezza Seed School erisangibwa e Mubende, Tom Samuel Mutunzi yagambye nti ebintu bibiri ebikulu ebirina okuteekebwako essira ng'omuyizi alonda amasomo. Kuliko obwagazi, n'obusobozi.

Ssaayansi kituufu ali ku katale okusinga amasomo ga Arts (embeera z'abantu) era abazadde baagala baleme kuweererera bwereere. Kyokka Mutunzi agamba nti si kirungi kukaka mwana kusoma masomo g'atasobola. Ayinza okuba yagayise ku siniya ey'okuna naye nga teyagayise bulungi, ekitegeeza nti waliwo bingi by'atategeera. Singa omukaka okukola amasomo gano, gayinza okumuzitowako ate n'agakola bubi. "Owa Arts akoze obulungi n'ayita asinga owa ssaayansi agudde nga takyalina gy'asobola kweyongera," Mutunzi bw'agamba.


Mutunzi


Ssemakula


Akurut

Mu mbeera eno, omuyizi bw'aba obusobozi bwe buli mu masomo ga Arts, kyandibadde kirungi n'omuleka n'akola ago kubanga mu nsi buli muntu Katonda yamuwa ebitone bye era buli omu tasobola kubeera munnassaayansi.

Wabula Mutunzi yawadde amagezi nti okwewala okusoomoozebwa nga kuno ng'omuyizi atuuse okulonda amasomo, kibeera kirungi n'ava wansi ng'ategedde ky'ayagala okubeera nga akuze, ne kimuyamba okuteeka essira ku masomo ago agagwa mu ky'ayagala okubeera. Edda twayimbanga akayimba nti; *'Oyagala kubeera ki ng'omaze emisomo gyo?* Akayimba kano kaali kakulu kubanga kaatulung'amyanga okuva obuto era bangi baafuuka ebyo bye baalinga baagala" Mutunzi bwe yannyonnyodde.

Ate akulira ekibiina ekigatta amasomero g'obwannannyini mu ggwanga, Asadu Kirabira yagambye nti omuzadde n'omuyizi bombi bateekwa okulung'amizibwa omukugu nga basalawo omuyizi by'anaasoma.

Obusobozi bw'omuyizi kikulu nnyo, kubanga bwe kitatunuulirwa ayinza okugwa, ate omuzadde n'omwana we bombi ne bafiirwa. Era amasomo omuyizi g'alina okukola gandivudde mu masomo g'asinze okukola obulungi mu siniya ey'okuna.

Omuzadde n'omuyizi bwe balemerako nga baliko amasomo ge baagala, Kirabira agamba nti omuyizi bamuwa omwezi gumu kye bayita (Elementary Testing) n'agasomako era we guggweerako abeera ategedde oba anaasobola oba taagasobole, era bangi bakomawo ne babawa amasomo ago ge basobola.

Wadde nga Ssaayansi y'aliko era y'ali ku katale, Kirabira agamba nti naye n'aba Arts bangi bali bulungi mu bulamu era ensi tesobola kubaamu ba ssaayansi bokka, n'asaba abazadde obutakaka bayizi kusoma bye batasobola kuba ku nkomerero tewali ajja kufunamu.


Twaha Ddungu (wakati) owa Star SS e Jeza ku lw'e Mityana yafunye 2A, 5B ne 2C.

Henry Ssemakula omusomesa omutendeke, era omukozi mu minisitule y'ebyenjigiriza n'emizannyo yagambye nti amasomo omuyizi g'akoze obulungi mwe musaana okuva amasomo g'akola ku siniya ey'omukaaga.

Ssemakula yannyonnyodde nti kikyamu nnyo omuyizi okucamuukirira olwa banne amasomo ge bagenda okukola oba aba ffamire bye bamugamba okukola, nga tatunuulidde maanyi ge wegali, kubanga osobola okucamuka ate ne bikulema.


Obusobozi bw'omuzadde nakyo kikulu. Amasomo ga ssaayansi abantu bagaagala nnyo, naye Ssemakula agamba nti geetaaga ng'omuzadde alina obusobozi obunaafulumya ssente ezeetaagisa okusobozesa omuyizi okugayita obulungi kubanga ga bbeeyi. Kiba kikyamu omuzadde okulemererwa okuwa omwana bye yeetaaga olw'okuba talina busobozi, omwana n'akola bubi ne mufundikira nga mwembi mufiiriddwa.


Yalabudde abazadde nti obwagazi bwabwe ne bye beetaaga tebirina kusukkuluma ku bya muyizi kubanga bw'okaka omuyizi by'atayagala, ne mu kibiina bangi bagaana okussaayo omwoyo kubanga bye basoma tebabirinaamu bwagazi, okukkakkana nga mwembi mufiiriddwa.


Amyuka kaminsona avunaanyizibwa ku mutindo gw'ebyenjigiriza mu minisitule y'ebyenjigiriza n'emizannyo, Judith Akurut yagambye nti amasomo omuyizi g'alina okukola ku mutendera guno ateekwa okuba ng'agaagala kubanga bw'aba akola ky'ayagala afuna amaanyi okwesindika munda mu ye, n'asobola okuyita obulungi.


Ethel Destiny Nalubega owa Standard High Zzana yafunye 1A, 7B, 1C ne A mu Project . Wano ng'ali ne maama we, Beatrice Nabbosa.


Tracy Gloria Namirembe yafunye 1B ne 8C e Katikamu SDA Kakooge Campus.


David Muwanguzi Mulando yafunye 3B 5C ku Katikamu SDA Kakooge campus


Trevor Ntale owa Buddo SS yafunye 6A 3B.



Arafat Ssekajja yafunye 3B, 5C ne 2D ku Naggulu Seed SS, Namayumba.


Kuluthum Sharifah Ssekajja yafunye 9C ne 1B ku Naggulu Seed SS, Namayumba.